Naye Kazawula omutemu akolera anni?

Abasipensulo abalala basatu abattibwa
Kazawula bazuuse

Posted by Musa
Bya Sarah Zawedde
Tuesday, 19 October 2010 19:01

Mugambi (ku ddyo) naye yattibwa.

LT. Robert Kazawula ne banne be babba emmotoka n'okutta bannyinizo kizuuse nti be batta badereeva ba sipensulo babiri ku siteegi e Wandegeya ne Kamwokya - Ntinda n'omulala ku siteegi e Mulago. Siraje Kaweesa, 37 eyali omutuuze mu Mugowa Zooni e Bwaise baamupangisa ku ssaawa nga 12.00 ez'olweggulo ku Lwokutaano nga May 22 2009 okubatwalako kyokka ne bamutta era ne bamutwalako emmotoka ye ekika kya Corolla 100,nnamba UAG 934V.

Bukedde yafulumya ekifaananyi ky'omulambo gwa Kaweesa nga May 25, 2009 ate nga May 27, 2009 n'afulumya amawulire amalala nga kikakasiddwa nti omulambo gwa Kaweesa.

Omulambo gwa Kaweesa gwasangibwa enkeera mu nsiko ku kyalo Watubba okumpi ne Matugga nga gusibiddwa akandooya emikono n'amagulu nga babinywerezza emabega era nga yaliko ekiwundu mu bulago we baamufumita ekiso ne bamutta.

Yali mu ssaati ya bikuubo bya bbululu n'empale ya kikuusikuusi ne sitookisi kyokka ng'engatto teziriiwo.

Abatuuze e Watubba baategeeza poliisi nti baalaba mmotoka eyajja mu kitundu kino ekiro kyokka oluvannyuma n'eba ng'eyimiriramu. Akaseera katono baagenda okulaba ng'esimbula nga kirabika be baasuulawo omulambo gwa Kaweesa.

Muto w'omugenzi Kaweesa, Yasin Ssempijja era nga ye ssentebe w'abasuubuzi abakolera ku nguudo mu Kawempe yagambye nti okutegeera okufa kwa mukulu we yamala kulaba ekifaananyi kye mu Bukedde. Omu ku baakwatiddwa ekitongole kya RRU, Charles Yiga yakkirizza nti yali akolagana ne Kazawula era nga ye omulimu gwe gwali gwakusuula mirambo gy'abantu Kazawula ne banne be baabanga basse.

Sempijja yagambye nti mukuluwe yaleka nnamwandu n'abaana babiri.Kaweesa yaziikibwa Kyamulibwa mu Masaka mu maka g'omugenzi Cyrus Mali. Ate Micheal Mugambi eyali omutuuze mu Kisalosalo Zooni e Kyebando ng'akolera ku siteegi e Mulago yattibwa ababbi nga November 2 ,2008 ne bamubbako mmotoka ye ekika kya Corona, Kibina UAH 124W.

Ugandans to the rescue

10/19/2010

Bwe baamala okumutta omulambo ne bagusuula e Kakiri ku luguudo lwa Hoima. Yaziikibwa Senya Masaka. Ruth Mugambi, nnamwandu wa Mugambi agamba nti yategeera okufa kwa bba enkeera ng'abakakiiko ka LCI mu kitundu kino be baamukubira essimu ne bamutegeeza nga nannyini ssimu eno bwe yattiddwa wabula n'asigala n'essimu ye.

Ayongera nti omulambo gwa bba baagenda okugutuukako nga guliko ekiwundu ekinene ku mutweekirabika nti baamukuba nnyondo ku mutwe, engalo nga zitemeddwa nga kirabika yali agezaako okubalwannyisa. Ruth yagambye nti banne ku siteegi eno bategeezezza nti Mugambi yali ku siteegi abasajja babiri ne bamupangisa abatwaleko ku ssaawa nga 12.30 ez'olweggulo.

Agamba nti teyakomawo ku siteegi eno okutuusa enkeera bwe yafuna amawulire agamukwatako nga yattiddwa. "Nafuna okutya nga ndaba baze takomawo kubanga yali tasussa ssaawa 3.00 ez'ekiro nga tannaba kutuuka waka.

Nnakuba essimu ya baze ekiro kyonna ng'evuga kyokka nga tewali agikwata. Nnalowooza nti kirabika afunye akabenje wabula enkeera nafuna mawulire g'obutemu buno", bwe yagambye. Ruth agamba nti emmotoka bba gye yali avuga yalabika nga wayiseewo ekiseera ng'ababbi baasooka okugikukulira mu kikomera ku luguudo lw'e Gayaza.

Oluvannyuma yakwatibwa poliisi mu galagi e Bwaise ababbi ne batwalibwa ku poliisi e Wandegeya. "Twaddamu okubawuliza nti batwaliddwa mu kkooti ate mmotoka n'etwalibwa ku poliisi e Wandegeya kyokka nayo baagibbiramu ebyuma ku poliisi eno.

Abapoliisi tebaakoma awo naye ne ssente emitwalo 15 ezaabakwasibwa aba LC nga zaasangibwa ku mulambo nazo baazeezibika", Ruth bwe yayogedde mu nnaku. Mu baakwatibwa n'emmotoka ya Mugambi kwaliko abajaasi ba UPDF babiri, Franco Nyamutuswangana (Omunyarwanda) ne Robert Ssebunya wamu Sam Mwesigwa eyali omuyizi wa Yunivasite y'e Nkumba ne Tony Kakama.

Omugenzi yaleka abaana mukaaga nga Ruth y'abonaabona okubaweerera nga n'abamu tebakyasoma. Ebirala mu Bukedde w'enkya.